**P360/1**

**LUGANDA**

Paper 1

**OKUWANDIIKA EMBOOZI,**

**OKUFUNZA, GGULAMA**

**N'EBISOKO**

**June 2017**

**2½ Hours**

# RESOURCE MOCK EXAMINATIONS, 2017

*Uganda Advanced Certificate of Education*

**S.6**

**LUGANDA**

Paper 1

**OKUWANDIIKA EMBOOZI, OKUFUNZA, GGULAMA N'EBISOKO**

**2 Hours 30 minutes**

## EBIGOBERERWA:

*Olupapula luno lulimu ebitundu bisatu:* **A** , **B** *ne* **C.**

*Mu Kitundu* **A**, *ddamu nnamba* **1**(**a**) *oba nnamba* **1** (**b**)

*Ekitundu* **C** *kya buwaze.*

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON **ECOLEBOOKS.COM**

Ecolebooks.com

## EKITUNDU A

1. (a) Ku mitwe gino wammanga londako gumu oguwandiikeko emboozi etakka wansi wa bigambo 500.
   - (i) Ky'osiga ky'okungula (Obubonero 50)
   - (ii) Obukulu bw'okubumba mu Buganda. (Obubonero 50)
   - (iii) Ensaśge yagootaanya omukolo gw'abaagalana. (Obubonero 50)
   - (iv) Embeera y'ensi yaffe ensangi zino ekoze kinene nnyo mu kuziŋŋamya n'okutyobola obuwangwa bwa Buganda. Wandiika nga osemba endowooza eyo. (Obubonero 50)

**OBA**

(b) Ku mitwe gino wammanga londako ebiri (2) buli gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo nga 250.

- (i) Weefuule nti ggwe Minisita avunaanyizibwa ku by'obuwangwa n'ennono mu bwakabaka bwa Buganda, wandiika ebigambo by'onooyogera eri Abakungu ba zi disitulikiti ez'enjawulo mu Uganda nga obanyonnyola nga enkola ya Gavumenti eya wakati okusomesa abayizi mu bibiina ebisookerwako mu nnimi enzaaliranwa bw'esaanye okuwagirwa ennyo. (Obubonero 25)
- (ii) Ministule y'ebigwa bitalaze mu ggwanga ggwe gwe yalonda nga ssentebe w'akakiiko akaakulemberamu ku kunoonyereza ku muliro ogwokya amasomero n'obutale mu ggwanga ensangi zino ogutataddde. Wandiika alikpoota gy'onokwanga Minista ekwata ku ebyo bye mwazuula ebivaako omuliro ogwo.

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Ecolebooks.com



**(Obubonero 25)**

(iii) Weefuule nti waliwo nga mukyala Nassaka Agnes alumba muggya we ne bayombi natuuka n'okumutema olubale ku mutwe. Wandiika ebigambo by'onooyogera mu kkooti mu maaso g'omulamuzi nga bigenderera okusingisa Nassaka Agnes omusango. **(Obubonero 25)**

(iv) Wandiikira ssipiika wa ppaalamenti ya Uganda nga omunyonnyola ensonga lwaki ebyobulimi mu mbalirira y'ebyomwaka gw'ebyensimbi guno byandibadde n'omutemwa ogusinga obunene. **(Obubonero 25)**

**EKITUNDU B:**

**Ddamu nnamba 2a) oba 2b)**

2. (a) Funza ekitundu kino mu bigambo nga 120 (Obubonero 20)

Ebyafaayo ku bulwadde bw'ensimbu biraga lwatu nti bwe butamanya bw'abantu obukulungulidde ddala emyaka n'ebisiibo bye wandaba ebikumi bina bwe ddu! Kko n'endowooza era enzikiriza y'abantu mu by'eddogo ate okwo kw'ogatta emyaka ekikumi egy'obugunjufu nga era endowooza ekkiririza mu bulogo ekyasimbye amakanda. Bangi tebannagisuula muguluka newankubadde nga okumanya kwoleka bulungi nti obusimbu busibukira ddala ku bukyamu obuva ku bunafu obusukkiridde ku nkola y'obwongo bw'omuntu.

Ensimbu kye kirwadde ekitaboola mu bantu ka babe bakazi oba basajja, amabujje oba bannamukadde emyaka be giwuubidde akatambaala oba ba gawedde ku pagala. Abaddugavu kagongolo Abafirika oba bano abengererevu b'emibiri egiri nga egiyidde omuliro, ŋŋamba ba kyeruppe, bonna kibasenkenya kityo. Ekimbe kino tekisiba zikweya era tekisaaga kyajja kimazeeko nga muwogo. Obusimbu amakanda businze kugasimba nnyo mu mabujje; abaana abato ne bulyoka bwegiriizisiza omwo nga ekigotta entula olwo ennamusa n'etuuka ku nnyooge, nga obulwadde bukutte akati nga enjogera ya leero bw'egamba ensangi zino.

Obusimbu omuntu gwe bukutte mu ttaano zaabwo gwe bukaabya akayirigombe ko n'okumuzinya oluguje; bumumegguza ebigwo ebitatadde ku ddimwa entakera n'aggwaamu endasi, amaanyi, endusu ne zimukenena nga ekibe kye babukuse, kkamunguluze amugimba ebitagambika, omutwe okumubobba nga ogunaayatikamu ebibiri, okwo kw'ogatta obwerabize obusukkiridde ogw'omulamuzi.

Newankubadde tewali nsonga nnambulukufu ku bwayo obwannamunigina ewomye omutwe mu kuleeta ensimbu, abangi bagamba nti erina akakwate kanene nnyo ku maka omusimbu mw'aba ava, ŋŋamba mw'aba azaalibwa, abandi olunwe balusonze mu nkozesa mbi ey'eddagala nga walagi, enkangalli oba kakongolazzinga ne kkwiniini abandi nti buba

Ecolebooks.com



buvune n'obukosefu ku mutwe okusinga ennyo nga bannakabutuzi bali mu ssanya bazaala. Era n'abakyala bwe balwawo ennyo mu lutalo lwabwe oluzaala omwana, kikosa nnyo omwana ku bwongo, kkookolo akwata ku bwongo, mulangira asukkiridde, n'obulwadde bw'omusujja obukaabya akayirigombe omwana w'Afirika.

Ebyo nga bikyali bwe bityo nga ensimbu yeefudde mukoko mu kukaabya bannansi twawa nga entulege, bakagezimunnyo nabo emikono tebagizingidde mabega balwana bwezizingirire nga empogola nga bazuula eddagala eritalabya ku njuba omulwadde, omusimbu n'addawo okuba nga asaza kiralu n'aba mulamu nga enkumbi era obwongo basobola okubulongoosa oba abantu abalamu n'abasimbu okubafalaasira okulya olutatadde emmere efumbekeddemu ebirungo eby'enjawulo ebizimba obulungi obwongo.

Abantu nkumu ku abo abasimbu bakombye ku erima okutwalibwa mu malwaliro okujanjabibwa okulaba nga ekirwadde kituulibwa ku nfeete, newankubadde nga eddagala eriwonya ensimbu liri mu kulwanira bifo, nkumu mu malwaliro ga gavumenti mangi nga Mulago, Butabika n'amalala.

Ensimbu ndwadde etasiigibwa okuva ku musimbu okukwta omuntu omulala omulamu yenna, kikafuuwe era kya bulimba bwennyini obuwedde emirimu, omuntu yenna bw'agamba nti ayinza okubufuna nga endwadde ya ssennyiga, lubyamira, omulangira, oba oluseru oba okukwata omuntu nga buyitira mu malusu g'omusimbu oba omukojobo gwe, ŋŋamba omusulo gwe gw'afuka, si kituufu, ensimbu tesiigibwa kuva ku muntu mulwadde kudda ate ku oyo ate omulamu.

Omusimbu tekamutandanga, teyeeyibaalanga ne yeesembereza ennyo ebifo omutera okuba omuliro n'ebikoomi, effumbiro, ebyokero by'amanda ko n'ebifo ebinene omusangibwa amazzi gamba nga ennyanja, emigga, emyala, enzizi, ebidiba, okusobola okwewala okuggya singa kamutanda ensimbu n'emukubira okumpi n'ebifo by'omuliro ate era n'okwewala okwewala okubbira mu mazzi ng'akaseera ensimbu w'emukubira ali kinnya na mpindi n'ebifo by'amazzi ag'obulabe nga ebyo ebikooneddwako waggulu.

Omulwadde w'ensimbu omusimbu asobolera ddala bulungi okukakkalabya emirimu gyonna omuntu yenna omulamu nga enkumbi gy'asobola okukakkalabya oba okuddukanya. Okukusunirako gamba nga okugoba emmeeri, eryato, okuvuga emmotoka, okusamba omupiira, okuwuga, okusoma, okusomesa, okuzannya emizannyo gya katemba, okubuulira ekigambo kya Katonda, okusamira nnaamenya ki nnaaleka ki, emirimu gye bakola abantubalamu kasita naawe ogimanyi gyonna agisobola naye ateekeddwako okubaako ne nnampala nga amukuuma, amulabirira butiribiri naddala mu biseera mw'etera okumukubira.

Mu nsi nga Uganda, endowooza n'enzikiriza mu byawongo n'obulogo ebikyasimbyemu amakanda olw'endowooza nti ensimbu baloga ndoge era maanyi ga mizimu emibi naye essuubi weeriri nti emyaka ebikumi ebina egy'obutakkaanya ku nsibuko y'obusimbu ddaaki ginaatuuka okufumwa, obusimbu bufuuke olugero nga ensimbu etuuliddwa ku nfeete. Omukama atubeere nnyo!

Ecolebooks.com



OBA

(b) Kyusa ekitundu kino mu Luganda **(Obubonero 20)**

**TECHNOLOGY KILLING LOVE IN MARIAGE RELATIONS!**

Technology, (phones, televisions, computers, the list goes on and on …) is a dreadful virus that is slowly eating relationships and causing broken homes and marriages. Unfortunately, that is something taken slightly. The computer is bad news when a spouse carries the office at home, work, work, work! Yes, the money is important, but when working interferes with quality time, it is the bad news!

Gone are the good old days when women listened to the advice and were corrected say for marital mistakes by clan heads and elders in the family. In the days of our forefathers, there were no televisions, computers, mobile phones and other forms of modern technology but these days, technology has taken over the role of counseling.

According to Florence Ssozi, a counselor of Kampala Pentecostal church, couples these days get their counsel from what they read and watch,' people may act basing on what they have watched', she says. She further explains that what they do not realize is, the consequences of such behaviour may not be portrayed in the movie.

Technology ;in itself is not a problem but a catalyst. It kills chances of making up and there is little time to get to know each other. Pornography has killed marriages. People fail to love their partners the way they should. Mobile phones are important but when they are misused say for coordinating lies or cheating, it's better if they were not there at all.

Do you ever wonder how people passed on message before the invasion of mobile phones? In the good old days, a married woman would have to explain her movements especially at night. The same way a man found with a married woman would be required to come up with a very good excuse. These days, the phones can be used to plan secret meetings.

As the world cup draws near, many married women are dreading the season because their husbands will spend more time away from home unlike in the past when there were wrestling matches which were communal and so all couples would watch together in the village arena. This is becoming an individualism era someone can decide to build his or her world around the technology available and shut out his or spouse, wonderful!!

*(Partial extract from DAILY MONITOR THURSDAY MAY, 25 with minor modifications).*

Ecolebooks.com



## EKITUNDU C

3. Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

**(Obubonero 30)**

Bazzukulu ba Kintu beerese nnyo emabega mu bintu bingi nnyo eby'amagezi ebikolebwa mu ggwanga.Bwe bayita abanaayingira amagye batono abeesowolayo ne kireeta endowooza nti bettanidde emirimu emirala egy'amakulu, naye bw'ogenda okubanoonyaayo mu bakugu abasomye ebyobulimi, ebya ssaayansi, ebyobusawo, bayinginiya osangayo ba lubatu so nga bazzukulu ba Kintu be basinga obungi mu Uganda yonna ate nga bannaabwe abasinga obutono ogenda okulaba nga mubuyigirize ob'wengeri eyo gye bali nnyo bwe bakuzibwa nga bazzukulu ba Kintu banyoola ensingo nga embuzi eneesera ekisibo.

Mu byalo bazukulu ba Kintu be basinga obutaweerera baana, amasomero agabali okumpi gasingamu baana b'abava bunaayira era nga n'ebunaayira gye bava, amasomero gaabwe gajjuzza kye kimu. Naye bw'obutuuka ewali eggubuko ly'eddembe eriteetaaga kukakaalukana w'obasanga nga bakuba nga misu! Okugeza mu ppaaka ya takisi osanga abavubuka embulakalevu n'abasajja abattuludde nga bali ku mugano gwa kuyita bantu gy'obeera nti abantu tebamanyi gye balaga! Weewaawo babeerayo, naye ewali ekinyusi ekyetaaga okuyaba tebaliiyo bulungi. Bazzukulu ba Kintu bw'ogenda ewali matatu ne we banywera kakongolazziga babeerayo nkumu ekintu kye bakola obudde oluvaako eddiba okutuusa enjuba lw'egenda ewa Kyewaabye e Kaabuuma okulya ebiwata ne batuukira ddala mu kawozamasiga! Mu makubo obasanga bookya bunyama, abandi babutambuliza mu malebe agengeredde olwo ne weebuuza oba nga banaabajja eyo okubawa emirimu egyetaaga obuyigirize obw'ekikugu n'obuvunaanyizibwa.

Bw'ogenda mu ba ajenti abanoonya abantu abava e bunaayira okugula ettaka lya Buganda, era n'abalitunda bazzukulu ba Kintu eyo bakuba nga misu so nga abantu abagula ettaka eryo tebayinza kukkiriza muzzukulu wa Kintu yadde okulyayo obuli ekibanja ewaabwe.

Bazzukulu ba Kintu basaana bakole ppulaani kakobogo okuwamba buli mulimu ogwetaaga obuyigirize n'obuvunaanyizibwa. Basaana bategeke abasawo, abasomesa, bannassaayansi, bayinginiya, abalimi n'abalala abalina obuyigirize obukulire. Bazzukulu ba Kintu basaanye badde ku mugendo gw'ebika byabwe omuli emitendera gino; empya, ennyiriri, emituba, amasiga n'obusolya. Buli mutendera gusaanye gulabe nga abaana baweererwa buli muzzukulu ky'akola kibe nga kivaamu ssente, abaana basome nga balina emirimu egiruubirirwa so si kusoma muwawa. Bazzukulu ba Kintu bave mu kuba matatu n'okunywa enkangaali okutoba.

Eddiini ezzava ebunaayira nga tezinnajja mu Uganda, abaana ba Kintu baalinanga ebiggwa byabwe. Buli mwezi nga abantu abali mu kika bateekwa okugenda n'abaana baabwe mu biggwa nga basaba n'okwebaza Katonda n'okwekebera nga bwe batambuzzaamu obulamu bwabwe mu mwezi ogwo, n'okuwera okwekulaakulanya n'okuleka ebikyamu abamu bye babaddemu. Ekirala kwalinga kumanyagana n'okukola enteekateeka ez'okwekulaakulanya nga buli omu asuula munne omukono, baawaŋŋananga amagezi.

Ecolebooks.com



Ekisembayo kye baakolanga kunywa n'okulya ko n'okusanyukanga nga ab'enda ya Nakalaama. Bazzukulu ba Kintu basaana badde mu biggwa bakole nga bajjajjaabwe bwe baakola.

Kaakati buli muzzukulu wa Kintu afaanana kubeera ku lulwe, bwekityo, n'eyandikutte munne ku mukono n'abulwako w'atandikira kubanga buli omu ayita ku munne buyisi so nga bamuvabunaayira beekuŋŋaanya ne beegeyaamu buli kawungezi okukola ppulaani kakobogo ez'okwekulaakulanya n'ezokuwamba ekifo kino oba kiri ekyetaaga obukugu ob'wenjawulo. Ekyewuunyisa tebabaako munnaabwe k'abe nga afaanana atya gwe batunulira kyamuli nga essalambwa ery'ensenke. Era bwebatyo ne basanga nga buli mulimu ogubaawo, baba balina abakugu baabwe be bavudde emabega nga babasengeka. Tebasoma muwawa ate tebagayaalirira kuweerera baana baabwe nga banywa mu ngeri y'okussa mu nnyindo ne beerabira akamwa.

Bazzukulu ba Kintu muddeeko emabega musome ku byafaayo bya pulezidenti wa America bwe yakola nga Abarussia baleebezza Abamerica mu bigambo by'okuweereza ebizungirizi ku mwezi. Bagamba nti 'Ataakwalize ŋŋanda akulaga kifo' nze eddagala n'ekikolo mbikuwadde.

*(Kyesigamiziddwa ku Ebisoko N'engero ez'Amakulu Amakusike aka J.C. Ssekamwa)*

## EBIBUUZO

(i) Leeta ensonga ssatu okuva mu kitundu ky'osomye, eziraga nti ddala bazzukulu ba Kintu beerese nnyo emabega. **(Obubonero 6)**

(ii) Menya ebifo bya ngeri ssatu ebiteetaaga kukakaalukana bazzukulu ba Kintu gye basimbye ennyo amakanda. (Obubonero 3)

(iii) Nnyonnyola amagezi ga mirundi esatu okuva mu kitundu ky'osomye bazzukulu ba kintu nga bwe bateekeddwa okukola okuba nga nabo bakulaakulana. **(Obubonero 6)**

(iv) Nyonnyola bulungi ebintu bya ngeri ttaano bazzukulu ba Kintu bye baakoleranga mu biggwa byabwe nga eddiini ezaava ebunaayira tezinnajja. **(obubonero 6)**

(v) Menya ebintu eby'enjawulo bya mirundi esatu bazzukulu ba Kintu bye bandikoppye ku bamuvabunaayira okulaba nga nabo bakulaakulana bulungi. **(Obubonero 4)**

(vi) Nyonnyola amakulu agali mu bigambo bino nga bwe byeyambisiddwa mu kitundu ky'osomye. **(obubonero 4)**
(a) Omugano
(b) Kakobogo
(c) Obukulire
(d) Muwawa.

*BIKOMYWE WANO*